# AMATENDEKERO GY'EBYEMIKONO

## *Emitendera kwe weegattira ku ttendekero*

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

ETTENDEKERO ly'ebyemikono ly'erimu ku makubo mw'oyinza okuyita okubangulwa mu bintu eby'enjawulo n'osobola okweyimirizaawo mu biseera eby'omu maaso. Amatendekero gabangula abayizi mu kukanika, okubajja, okuzimba, okulima n'okulunda, okujjanjaba, okufumba, okutimba, eby'amasannyalaze, eby'amazzi, okwokya ebyuma, okutunga, ebyenviiri, okusiiga, okukola engatto, n'ebirala.

Waliwo emitendera egy'enjawulo omuyizi mwayingirira era n'abangulwa n'afuluma ng'alina ebbaluwa eraga ky'asomye.

### EMITENDERA KW'OYINGIRIRA

Badru Olupot, amyuka akulira ebisomesebwa ku ttendekero lya Lugogo Vocation Training Institute agamba nti: Omwana atayise P7, waliwo entegeka ey'enjawulo okugezesebwa ekitongole kya Directorate of Industrial Training (DIT). Wano atandika ne satifikeeti ya Modularised Certification ku mutendera ogusooka.



Abayizi ba Janan nga basoma ebyamasannyalaze.

**OWA P7**

Omwana amazeeko P.7 kyokka n'atagenda mu siniya, asobola bulungi okusoma n'atuuka ne ku diguli n'okusingawo ng'ayise mu matendekero g'ebyemikono.

Amaliriza P.7, yeegatta ku ttendekero eriri ku mutendera gwa Skills Development Center. Amatendekero ekika kino gali mu bitundu eby'enjawulo eby'eggwanga.

Omutendera guno omwana agusomera emyaka esatu n'afuna ebbaluwa emanyiddwa nga Uganda Junior Technical Certificate ng'eno yenkana n'ey'omwana amaze S.4.

Omwana amalirizza omutendera guno, wa ddembe okusalawo okutandika okukola oba okweyongerayo n'okusoma.

**OWA S4**

Omuyizi amaze S.4 oba avudde mu ttendekero lya Skills Development Centre yeegatta ku ttendekero lya Vocational Training Institute.

Wano asomerawo emyaka ebiri n'afuna ebbaluwa emanyiddwa nga National Certificate nga yenkankana n'ey'omwana amaze S.6.

**OWA S6 N'ALINA SATIFIKEETI**

Oyo asazeewo okweyongerayo ng'alina ebbaluwa ya Satifikeeti ya National Certificate oba ng'amaze S6, agenda mu ttendekero eriri ku mutendera gwa Technical College era n'asomayo emyaka ebiri n'afuna dipulooma.

**OWA DIPULOOMA OBA DIGULI**

Owa dipulooma oba diguli eyasoma ebitali bya mikono naye asobola okwegatta ku ttendekero ly'ebyemikono ku ddaala ery'enjawulo nga basinziira ku bumanyirivu bw'alina.

### EBISAANYIZO KU MITENDERA EGY'ENJAWULO

Omwogezi w'ekitongole ekivunaanyizibwa ku kugolola ebigezo by'ebyemikono mu ggwanga ekya Uganda Business and Technical Examinations Board (UBTEB) Narasi Kambaho Anyijuka agamba nti: Okusobola okwegatta obulungi ku matendekero g'eby'emikono olina okuba ng'oyise ebigezo by'omutendera gw'obaddeko.

Okugeza owa P.7 olina okuba ng'oli wakati w'eddaala erisooka okutuuka ku ly'okuna.

- Owa S.4 nga wayitidde mu 'Result 1".
- Owa S6 nga wafuna pulinsipo bbiri ate bw'oba waakusoma ebya ssaayansi olina okuyita okubala ne Physics.

## Aba Janan Schools eby'omu kibiina babigattako ebyemikono

Bya VIVIEN NAKITENDE

AB'AMASOMERO ga Janan SS e Bombo ne Kabalagala, be bamu ku bakyasinze okutegeera omulanga gwa gavumenti okutendeka abayizi eby'emikono ng'emu ku ngeri y'okuyiga n'okutandika okwebeezaawo mu bulamu nga bakyali wansi.

Akulira okusomesa eby'emikono mu masomero ga Janan Schools Mathew Kibuuka, agamba nti, ku lw'omulamwa omukulu ogw'okumalawo ebbula ly'emirimu mu ggwanga, n'okugoberera ebigendererwa by'ensoma empya (New Competency Based Curriculum), aba Janan Schools tebakoma mu kuwa bayizi baabwe magezi ga mu kibiina gokka, babagattirako amagezi g'omu mutwe olw'okutumbula n'okukyusa obulamu bwabwe mu biseera eby'omu maaso.

Kino bakikola nga bayita mu masomo g'ebyemikono ag'enjawulo ge batendeka abayizi baabwe omuli; Okutunga ebyalaani, okufumba emigaati, keeki, okuweereza ku leediyo ne ttivvi, kompyuta, okwokya n'okuweesa ebyuma, eby'obulimi n'obulunzi, amasannyalaze, eby'amazzi, okusiba n'okusala enviiri n'okuyooyoota ensusu, okukuba ebivuga, okuyimba n'okuzannya emizannyo, okuvuga n'okukanika emmotoka eri abayizi b'ebibiina ebya waggulu (S.5 ne S.6). Kuno kw'ossa ebyemizannyo ku lw'ebitone.